

KYONA KIRI KUNKOLAGANA



OKUKOMYAWO
ENKOLAGANA YAFFE
EYAMENYEKA

KYONA KIRI KUNKOLAGANA

Okwanganga okumenyebwa kwaffe.

Tuli muni ey'enkolagana eymenyebwa. Abantu abasing bakoze abalara olwo kuyayana kwabwe. Bwebaba nga tebakyabeetaga nga era tebalina kyakubakoze kya manyi, nga babesarako.

Abesigwa kubweyamo bwabwe batono. Nga ffe abamenyedwa tutunulira "Nze."

Wakosebwe oba wariwo omu kumwe eyakosebwa bino?

olutalo	okukusa abantu	abatemu
okukulusanyizibwa	okunoba	obutali bwesigwa
Obwegugungo	obwavu	abayaye
Ebbula lyasente	entalo ezebyo'fuzzi	okutwalibwa mumbuga
okusosorebwa	amaka agamenyese	enguzzi
okutuntuza abana	okukwatibwa	okukyawa
okunyagibwa	okuwambibwa embera	okukubibwa nga olimugenyi



ABAMU BATEESA NTI OKUMALAWO BINO BYONNA TWETAAGA:

Kwongera Poliisi, Banabyabufuzi, Makomera, Mateeka, Bapuliida, Balamuzi, Ddiini, Kusoma, oba Ssente...

Ekizibu kyaffe simateka, byanfuna, ddiini, Ebyendowooza, oba byakusoma. Tulina ekizibu kyenkolagana kileeta obuzibu mu mutima.

"omuttima mulimba okusinga ebintu byonna, era gulwadde enddwadde etawonyezeka." yeremiya 17:9

Twetaaga omutima omuggya.

"Era ndibawa omwoyo gwange munda mu mmwe nembatambuliza mu mateeka gange..." Ezekeyi 36:26

Okusuukuluma kw'okwagala kwa katonda kuleeta omutima omuggya mufte. Katukinuurire:

Olukalala lwe eby'okulabirako ebina

1. Obwetaavu n'omutango ogwo kununula enkolagana..
2. Enkolagana eyanunulibwa bwe faanana.
3. Tukola tutya okununura enkolagana yaffe ne kristo.
4. Ebitali bya bulijjo kunkolagana eyakomezebwaawo ne kristo.



Ebilala genda kumutimbaganu:
itsallaboutrelationship.org

© John Hendee & Jim Phillips, 2016

Obuyinza busigazidwa.

Okujako nga waliwo ebilala, ebyawandikibwa byona bigidwa munzivunula ya NIV © 1973, 1978, 1984 by International Bible Society.

EKITUNDU 1

**obwetaavu n'omuwendu gwenkolagana
eyakomemezebwaawo.**



OBWETAAVU BWENKOLAGANA EYAKOMEZEBWAAWO

OMUNTU

KATONDA

Amakubo gonna ag'omuntu
gaba malongoofu mumaaso
ge ye. engero 16:2

BAIBULI EGAMBO NTI...

TETUTUKIRIDDE

"Tewali mutuukirivu n'omu, bonna baayonoona, ne batatuuka
kukitiibwa kya katonda "Abaruumi 3:10, 23

EBIVAAMU: "Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa ..." *abaruumi 6:23*

TWAMENYA AMATEEKA GA KATONDA

"Nti omuyigiriza, ekiragiro ekikulu mu mateeka kiruwa? Naye
nagamba nti yagalanga mukama katonda n'omutima gwo
gwonna nobulamu bwo bwonna n'agagezi.' N'ekyokubiri
ekikifaanana kye kino nti yagalanga muliraanua .'" *Matayo 22:36-*

EBIVAAMU: "Kubanga bonna bayima bubikolwa
byamateeka, bafugibwa kikolimo..." *bagalatiya 3:10*

TULI BAZIBE BAMAASO

"Katonda owe'mirembe gino be yaziba amaaso g'amagezi gaabwe
abatakiriza, omusana gwe njiri eyekitiibwa..." *2 abakkolinso 4:4*

EBIVAAMU: "...so nga tamanyi gyagenda, kubanga ekiziza
kyamuziba amaaso." *Yokaana 2:11*

TWAAVA MU KUBO

"...nga baawulibwa kubulamu bwa katonda ." *Ebaefeso 4:18*

EBIVAAMU: "Waliwo ekkubo omuntu lyayit eddungi naye
enkomerero yaalyo ge makubo ag'okufa." *engero 14:12*

MUMWOYO YULI BAFU

"Era nammwe... mwali nga mufiiridde mu byonoona n'ebibi byammwe..." *BAEFFESO 2:1*

EKIVAAMU: "Abaliwoza ensonga eri oyo eyeeteeseeteese
okusala omusango gwabala n'abafu ." *Petero 4:5*

TETUSOBOLA KWELOKOLA

"Nebawunikirira nnyo, nebamugamba nti kale ani
ayinza okulokoka? Awo yesu naatunuulir
n'gamba nti mu bantu tekiyinzika." *Maako 10:26-*

Ebivaamu 'jukira ntl
mukisera we wari
mwayawuribwa kukristonga
tolina ssuubi era nga tolina
katonda mu nsi
Abeffeso 3:12

BAIBULI EGAMBA NTI...

KATONDA ATUUKIRIDDE ERA MUTUKUVU

"Ekkubo lyo, ai katonda, liri mu watukuvu;
katonda omukulu, ali nga katonda, ye ani?" *zabbuli 77:13*

KATONDA Y'AWA AMATEEKA

"Eyateeka amateeka era omusazi w'omusango
ali omu..." *yakobo 4:12*

YESU GWE MUSANA

"...Nze musana gwensi..." *yokaana 8:12*

YESU LY'EKKUBO ERIDA ERI KATONDA

"Yesu n'amugamba nti nze kkubo, n'amazima
n'obulamu; tewali ajja erikitange, wabula
ng'ayise munze." *yokaana 14:6*

YESU Y'ENSIBUKO Y'OBULAMU

"Ddala ddala mbagamba nti buli awurira ekigambo
kyange, n'akkiriza oyo eyantuma, alina obulamu
obutaggwaawo mulamu so talijja mumusango, naye
ng'avudde mu kufa okutuuka mu bulamu." *Yokaana 5*

YESU Y'ENSIBUKO YOBUYAMBI BWAFFE

"Awo yesu n'abatunuulira n'agamba nti
mu bantu tekiyinzika naye si bwe kityo eri
katonda; kubanga byonna biyinzika eri
katonda." *Makko 10:27*



Okwagala kwakatonda
sikutuwa kyetwetaga naye
kutununura mumateka
Ekyyo kiyitibwa kisa

Tetusobora kuza nkoragana
yaffe ne Katonda lwakuba tuli
balungi, tukola burungi, kuba
banadini oba kubabalungi
nekanisa oba edini.
Tetusobora kweeokola. Isaya
64:6 agamba ebikorwa
byeotukirivu bwaffe buringa
nziina

OMUTANGO OGWENKOLAGANA EYAKOMEZEBWAWO

“ERA KATONDA AKYALIDDE ABANTU BE.” LUUKA 7:16

“ayagala abantu bonna okulokoka, are okutuuka mu kutegeerera ddala amazima. Kubanga waliwo katonda omu, era omutabaganya wa katonda n’abantu omu, omuntu kristo yesu, eyeewaayo abe omutango olwa bonna;okutegeeza kulibawo muntuuko zaakwo.”¹ Timoseewo 2:4-6

OMUNTU

KATONDA

OKUFA

‘eyeetikka ye yennyini ebibi byaffe mu mubiri gwe ku muti, ffe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu, okukubibwa kw’oyo kwe kwabawonya.”¹ Petero 2:24

obulamu!

YAKOLIMIRWA

“Era namwe yabazuukiza bwe mwali nga mufiiridde mu byonoono n’ebibi byammwe.”¹ Abaefeso 2:1LB

okununulibwa=
okugulibwa

WAAYO
EMBALILIRA

“Kristo yatununula mu kikolimo ky’amateeka, bwe yafuuka ekikolimo kulwaffe.”
Abaggalatiya 3:13

BADDEMBE

KUBULIRA
MUKIZIKIZA

“Mu mubiri og’enyama ye olwokufa, okubanjula abatukuvu, abataliiko mabala abatanenyezebwa mu maaso ge” Abakkolosaayi 1:22

KUSONNIYIBW

KUFA

“Ddala Ddala mbaganti Awulira ekigambo kyange, n’akkiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutaggaawo, so talijja mu musango, naye ng’avudde mu kufa okutuuka mu bulamu.”¹ Yokaana 5:24

KUTUUKA KU
BULAMU

BUTABEERA
NASUUBI

“naye obulungi bw’omulokozi waffe katonda n’okwagala kwe eri abantu bwe byalabika, n’atulokola, si lwa bikolwa eby’omu butuukirivu bye twakolaffe wabula olw’okusasira kwe... nga tumaze okuwebwa obutuukirivu olw’ekisa kye oyo, tulyoke tufuuke abasika mukusuubira obulamu obutaggaawo”¹ Tito 3:4-5,7

BASIKA N’ESUUBI

“Kal kaakano tebaliiko musango abali mu kristo yesu.”¹ Abaruumi 8:1

OKUNYONYOLA KWA JEFFEY DAHMER
SINGA OLINA OMWANA WE’MYAKA ENNA

Nabalannyo okusinga bwe nail nkilowoozeza.
Njagalibwa okusinga bwe nail nkilowoozeza -
Timoseewo Keller

OKWAGALA KWA KATONDA SIKWABULIJJO!

“Mulyoke muwebwe amaanyi okukwatanga n’amagezi awamu n’abatukuvu bonna obugazi n’obuwanvu n’obugulumivu n’okugenda wansi bwe biri, n’okutegeera okwagala kwa kristo okusinga okutegeerwa, mulyoke mutukirire okutuusa okutuukirira kwonna okwa katonda”.¹ Abaefeso 3:18-19

Okuzuula ekisa kino ekyobugagga ne ekisa kileetela omwavu okufuuka omulangila; okusubwa ekilabo kino kileetela naggagga okuba lukyoolo. -Max Lucado

KYONA KIRI KU NKOLAGANA EKITUNDU 2

ENKOLAGANA EYAKOMEZEBWAAWO BW'EFANANA.



ENKOLAGANA EYAKOMEZEBWAAWO BW'EFANANA

Baibuli lwe lugero katonda olwenkolagana erimu okwagala n'omuntu.

Katonda yeraga gyetuli n'atuwa okwagala n'obulamu ng'ayima mundagaano.

Omuzingo guno gunyonyola enambika, ekyokyiga ne baibuli bw'eri.

endagaano: , okukiriziganya, eddaame, endagaano, owegatta.

Endagaano elina kale ebintu bina:

EBITUNDU:—Omuntu eyetaba mundagano: katonda n'omuntu.

obukwakulizo—omuntu byakiriza okukola kulwa katonda.

EBISUUBIZO—katonda byasubiza okukolera omuntu.

EBIVAAMU—ebivaamu nga omuntu alese oba agaanyi endagaano ya katonda.

Ebaibuli byeby'afaayo byebintu zendagaano zakatonda eri omuntu. Byanjawulonyo okusinga ebyokukola. Eddimu lino lyakweyagaliza era lyawula omuntu omulala kumunne. Endagaano kyekyokukiriganya enjuyi zombi zikaanya okuwagira omulala byagala, temuli kwetunulira.

Okutondebwa nga tekunabaawo, katonda yategeka okusonyiwa n'obulamu obutagwaawo kulwomuntu.

..mu kusuubira obulamu obutagwaawo, katonda atayinza kulimba bwe ysuubiza ebiro eby'emiremben'emirembenga tebinnabaawo." Tito 1:2

katonda yabikula engeri y'okwagala kwe okungi ng'ayita mudagaano. Nekizungirizi, kakapisoozi nga ekikulu enyo:

atutandiikire wansi ne #1 twambuke waggulu:

5-era nga bw'ali omubaka w'endagaano esinga obulungi, kubanga yalagaanyizibwa olw'ebyasuubizibwa ebisinga obulungi. Hebrews 8:6

4-Yakola endagaano ne yisirayiri (bazukulu bayibulayimu) okuva 19:5

3-yakola endagaano ne ibulyimu. olubereberye 15:18

2-yakola endagaano bbiri ne nuuwa olubereberye 6:18 & olubereberye 9:9,11

1-katonda yakola endagaano ne Adamu. koseya 6:7



Endagaano zakatonda z'oleka nti katonda mwesigwa nti bulijjo akuuma byeyasuubiza.

"kubanga byonna ebyawadiikibwa edda, byawandiikibwa kutuyigiriza ffe, tulyoke tubeerenganokusuubira olw'okugumikiriza n'olwokusanyusa kwebyawandiikibwa." abaruumi 15:4

Endagaano zakatonda zonna zisonga kundagaano mpya: kaaka pisoozi, okuluubibilwa, ekyobuggaga.

ENDAGAANO EMPYA

Endagaano empya yetandika nga yesu afudde ne bwe yayuwa omusaayi gwe kumusalaba :

"Era ye kyava abeera omubaka w'endagaano empya, okufa bwe kwabeerawo olwokunulamu byonono eby'omu ndagaano ey'olubereberye, abayitibwa balyoke baweebwe okusuubiza kw'obusika obutaggaawo...." abeabbulaniya 9:15

Endagaano empya esinga enkadde:

"naye kaakano awereeddwa okuweereza okusinga okuwooma, era nga bw'aliomubaka w'endagaano esinga obulungi, kubanga yalagaanyizibwa olw'ebyasuubizibwa ebisinga obulungi." abeabbulaniya 8:6

Kyonna kiri kunkolagana

Okwaniriza kwe:

"mujje gyendi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnabawuummuza, mwetikke ekikoligo kyange, muyigire ku nze, kubanga ndi muteefu era omuwombeefu mu mutima; namwe muliraba ekiwumulo eky'omu mwoyogyammwe.." Matayo 11:28, 29

"so si ekyo kyokka, era naye nga twenyumiriza mu katonda ku bwa mukama waffe yesu kristo, atuweesezza kaakano okutabagano ." abaruumi 5:11

Edda wasalangawo ekyokukola ne katonda, katonda n'asalawo kyanakola naawe.

-Louie Giglio

Endagaano ya katonda empya.

“bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa yesu kristo, nga bwe yasiima olw’okwagala kwe” abaefeso 1:5

Katonda ayagala tubeere nenkolagana enamu eri ye nabalala.

Ebitundu eby’endagaano empya.

Katonda n’oyo ayingira mu kristo. Kyaweebwa eri abantu bonna, buli ggwanga, mubyenfuna oba munaggwanga; abatamiivu, abenzi, abaaambibwa, abassi, abasibe, abaalemererwa, abatutumufu, banaddiini oba nedda. Bbona baanirizibwa.

Ebisubizo bya katonda bitufuula omuntu omujja.

“omuntu yennabw’aba mu kristo kyava abeera ekitonde ekiggya; eby’edda nga biwedde; laba, nga bifuuse biggya.”² abakkolinso 5:17 .

Ebisubizo bya katonda...

okwagala—yokaana 3:16 & abaruumi 8:38-39
obutabeera na kiloope—abakolosaayi 1:22
okusonyiyibwa—ebikkolwa 2:38 *Teli kunenyezebwa*
Tajjukira bibi byaffe—abaebbulaniya 8:12
Okuzuukira—I abakkolinso 6:14 & 15:51-53
Obulamu obutaggaawo—I yokaana 5:11 & abaruumi 6:23
Amaka g’olubeerera—Okubikulirwa 21:1-4
Obulama obujjudde—yokaana 10:10
Essanyu—I Petero 1:8
Okuzaalibwa omurundi oggwokubiri yokaana 3:3,7
Okufuulibwa—abaefeso 1:5 & abaruumi 8:15
Amaka—Abagalatiya 6:10
Okubeerawo—Matayo 28:20
Obuyambi obwabilijjo—abaruumi 8:26-28 & abafiripi 1:6
Endowooza—Abaefeso 4:23-24
Ekigendererwa—Abaefeso 2:10
Obutuuzze—Abafiripi 3:20
Omwoyo mufu—I Abakkolinso 3:16 & abaruumi 5:10, 8:9
Amaanyi g’okubeerawo—Abafeeso 3:21
Obukuumi—2 Petero 3:17
Obuwanguzi obwekitalo—I yokaana 5:4-5 & abaruumi 8:37
Okuyiganyizibwa—II Timoseewo 3:12
EKISIKIRIZA—II abakkolinso 5:13-14
Okubonabona—I Petero 1:6
Esubi—II Abakkolinso 1:10b
Okwala okunenyezebwa—Okubikulirwa 3:19
Okutegeera—Abaebbulaniya 4:15
Obusika—I Petero 1:4
Okutuukirira nobugumu—abaebbulaniya 4:16

kaonda tasuubiza bintu byabuggaga, okubeera obulungi, obukuumi byetukola, oba butabeera mabizibu nokubonabona.

Katonda asuubiza maanyi ga kulemerako.

“Ebyo mbibabuulidde, mube n’emirembe muze.mu ni mulina ennaku; naye mugume; nze mpangudde ensi.” yokaana 16:33

Katonda atusuubiza emirembe gye.

“kale bwe twaweebwa obutuukirivu olw’okukiriza, tubeerenga nemirembe eri katonda ku bwa mukama waffe yesu kristo.” abaruumi 5:1

Omuntu byalina okukola;

Kyenzikiriza okukorera katonda.

EKISOoka;Naye namugamba nti yagalanga mukama katonda wo n’omutima gwo gwonna, n’obulamu bwo bwonna, m’amagezi go gonna.kino kye kiragiro ekikkulu eky’oluberyebereye.” Matayo 22: 37,38

Ekyokubiri: “N’ekyokubiri ekikifaananakye kino nti yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka.” Matayo 22:39

Ebyawandiikbwa mu ndagaano empya bya kutuyigiriza bwe tunaakola bino ebibiri.

Yesu yatulaga okwagala katonda na bantu (*Baruumi 8:29*). Yayagala abalungi, ababi, abaalekebwawo, abali bokka, abazibuzibu, abatalina webabeera, abagobeedwa, n’abatatuukiridde.

Kubanga okwagala kwa kristo kutuwaliriza, nga tulowooza bwe tuti ng’omu yabafiiirera bonna, bonna kyaava bafa; naye yafiiirera bonna, abalamu balemenga okubeera abalamu nate ku bwabwe bokka,wabula ku bwo’yo eyabafiiirera n’azuukira,naye byonna biva eri katonda, eyatutabaganya naye yekka ku bwa kristo,n’atuwa ffe okuweeza okw’okutabaganya;nti katonda yali mu kristo ng’atabaganya ensi naye yennyini,nga tababalira byonono byabwe,era nga yatteresa ffe ekigambo eky’okutabaganya.kyetuva tubeera ababaka mukifokya kristo, katonda ng’afaanana ng’abeegayirira mufu; tubeegayirira mi kifi kya kristo mutabagane ne katonda 2 abakkolinso 5;14-15,18-20

Kwagala nga yasusobokoboka ebyafaayobye bwe bulamu bwange obwekitalo.

Yesu kye kirabo kya katonda ekisinga

“eyatuweesa okununlibwa kwaffe olw’omusaayi gwe okusonyiyibwa ebyonono byaffe, ngobuggaga obwekisa kye bwe buli, kye yasukkiriza gye tuli mu magezi gonnann’okutegeera kwonna,...” abaepeesoo 1:7-8

Byonna biggya...okwagala—kubanga katonda bwe yayagala ensi bwati,n’okuwaayo n’awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n’obulamu obutagwaawo . yokaana 3:16

kubanga ntegereedde ddala nga newankubadde okufa, newankubadde obulamu,newankubadde bamalayika ,newakubadde amaanyi, newakubadde obugulumivu,newakubadde okugenda wansi, newakubadde ekitonde kyonna ekilala tebiyinzenga kutwawukwnya n’okwagala kwa katonda okuli mu kristo yesu mukama waffe. Abaruumi 8:38-39

TEWAKYAALI KILOOPE—mu muburi gw’enyama ye olw’okufa, okubnjula abatukuvu,abataliiko mabala abatanenyezebwa mu maaso ge. Abakkolosaayi 1:22

okusonyiyibwa—Petero n’abagamba nti mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mwe okuyingira mu linya lya yesu kristo okuggibwaako ebibi byamwe, munaweebwa ekirabo gwe mwoyo omutukuvu.”Ebikolwa 2:38—**teli kunenyebwa**

Tajjuira bibi byaffe—“kubanga ndisaasira obutali butuukirivu bwabwe,n’ebibi byabwesiribijjukira nate” Abaebulaniya 8:12

Okuzuukira—era katonda yazuukiza mukama waffe, era naffe alituzuukiza olw’amaanyiye. I abakkolinso 6:14

Laba, mbabuulira ekyama; tetulyebaka fenna, naye fenna tulifuusibwa, mangu ago, nga kutemya kikowe, akagombe ak’enkomererobwe kalivuga; kubanga kalivuga, nabafu balizuukizibwa obutavunda, naffe tulifuusibwa. Kubanga oguvunda kigugwanira okwabala obutavunda, n’ogufa guno okwambala obutafa. I abakkolinso 15:51-53

Obulamu obutagwaawo— Era okutegeeza kwe kuno nti katonda yatuwa obulamu obutagwaawo, era obulamu obwo buli mu mwana we. I yokaana 5:11

Kubanga empeera y’ekibi kwe kufa, nay ekirabo kya katonda bwe bulama obutagwaawo mu kristo yesu mukama waffe. Abaruumi 6:23

Amaka ag’olubeerera ne katonda—Ne ndaba



eggulu eriggya n’ensi empya; kubanga eggulu eryolubereberye n’esi ey’olubererberye nga bigenze; n’enyanya nga tekyaliwo. Yersaalemiekiggya, nga kikka okuva muggulu ewa katonda, nga kitegekeddwa ng’omugole ayonjereddwa bba. Ne mpulira eddoboosi eddene eriva mu ntebe nga lyogera nti laba, eweema ya katonda awamu n’abantu, era anaatuula wamu nabo, nabo banabeeranga bantu be,naye katonda yennyini anaabeeranga wamu nabo, katonda waabwe; naye alisangula buli zzigamu maaso gaabwe; era okufa tekulibaawo nate; so tewaabengawo nnaku newakubaddeokulumwa; ebyolubereberye biweddewo .” okubikkulibwa 21:1-4

Obulamu obujjuvu—omubbi tajja wabula okubba, n’okutta, n’okuzikiriza, Nze najja zibe n’obulamu,era zibe nabwo obungi. yokaana 10:10

Essanyu— gwe mwagala nga temunaba kumulaba; gwe mutalaba kaakano naye mumukiriza, ne mujaguza nessanyu eritayogerekeka, eririna ekitiibwa. I Petero 1:8

Okuzaalibwa nate— yesu n’addamu n’amugamba nti ddala ddala nkugamba nti omuntu bwatazaalibwa murundi gwa kubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa katonda .” yokaana 3:3

Teweewunyakubanga nkugambye nti kibagwanira okuzaalibwa omulundi ogw’okubiri.” yokaana 3:7

Be mwazaalibwa omulundi ogw’okubiri, sin a nsigo eggwawo,wabula etaggwaawo,nekigambo kya katonda ekiramu eky’olubeerera. I Petero 1:23

Okutwalibwa; kubanga temwaweebwa nate omwoyo gwa buddu okutya, naye mwaweebwa omwoyo ow’wokufuuka abaana,atukaaba nti Abba, kitaffe.”Abaruumi 8:15

Amaka—kakano, nga wetulina omukisa, katukole bulungi abantu bona. Abaggalatiya 6:10

Okubelawo—dalla dalla ndi nawe, okutuka kunkomerelo. Matayo 28:20

Obuyambi bulilunaku—munkola yemu,

Omwoyo omutukuvu atuyamba mubunafu bwafe.

Tetumanyi byakusabira, naye omwoyo omutukuvu yenyini yegayilira okuyita mukusinda. Oyo anoonya emitima gyafe, amanyi endowoza y'omwuyo omutukuvu kubanga omwoyo mutuvu yegayilira abantu bakatonda nga katonda mwene bwayagara. Nga era tumanyi nti katonda akola kulobulungi bwabo abamwagala, era abayitibwa orekilubilirwa kye. abaruumi 8:26-28

Andowoza yo—...zibwa buggya mundowoza yo; era oteke ko omuntu omugya, eyakolabwa mukifananyi kye mu butukuvu ne mubutukilivu. abaefeso 4:23-24

ekigendererwa—kubanga tuli mulimu gwakatonda, twatondebwa mukristo yesu okola emilimu emilungi, katonda gye yatutekeratekera okukola. abaefeso 2:10

obutuze—obutuze bwaffe buli mugulu. Era tulidilira omulokozi okuva eyo, mukama waffe yesu kristo. abafilipi 3:20

omwayo mufte—Temumaki nti mwe muli yekalu ya katonda era omwoyo omutukuvu atula mu mwe? I abakkolinso 3:16

amany okubawo—...ekitibwa kide gya'li mu kanisa era eri kristo yesu emirembe ne mirembe! Amiina. abaefeso 3:21

obukuumi—nga bwemumanyi kino, mwekuume muleme muleme kutwalibwa omulembe omubi muleme kuva mukifo kyamwe. 2 Petero 3:17

Obuwanguzi bwekitalo—buli ekizalibwa katonda kiwangula ensi. Era bunno bwebuwanguzi obuwangude ensi—okukiliza kwaffe. Anni awangula ensi? Oyo akiliza nti krito mwana wakatonda. I yokana 5:4-5

okuyiganyizibwa—mubutuufu buli ayagala mubulamu bwakatonda okuyita mukristo, agya kuyiganyizibwa. 2 Timoseewo 3:12

okuzaamu maanyi—okwagala kwa kristo kutuwaliriza. 2 abakkolinso 5:14

kunakuwazibwa—obwo bwe munajagulizaamu, newakubadde nga munakuwazibwa mu kukemebwa okutalikumu akaseera akatono kaakano, oba nga kibagwanira. I Petero 1:6

Essubi—era anaatuwonyanga;era gwe tusuubira edda elituwonya. 2 Abakkolinso 1:10

Okwagala empisa—Nze bonna benjala mbanenya, era mbabuulilira, kale nyikira w'enenye. okubikulirwa 3:19

Entegeera—tetulina kabona atasola kusasira bunafu bwafu, naye tulina oyo eyakemebwa mungeri yona nga bwetunatera nga tetulina kibi. Abeabbulaniya 4:15


obusika—tuyingire mu busika obutaggwaawo, obutalina kko, obutawotoka, obwabaterekerwa mme mu ggulu. I Petero 1:4

Okwanguyirwa n'obuvumu—kale no'lwekyo tusembelele nga eri entebe eyekisa, Tulyoke tuwebwe okusaasilwa, era tufune ekisa olwo'kuberwa bwe tukwetaaga. Abeabbulaniya 4:16

KYONA KIRI KU NKOLAGANA

EKITUNDU 3

kyetukola okuzza enkolagana yaffe ne yesu



OKUZZAAWO ENKOLAGANA YAFFE NE KATONDA

Enkolagana empya ne katonda entandika na kukkiriza mu ye.

“kubanga katonda bwe yayagala ensi bw’ati, n’okuwaayo n’awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n’obulamu obutagwaawo.” yokaana 3:16

Okukkiriza mu katonda **“era ng’ategeerera ddala nga bye yasubizaera ayinza okubikola”** (Abaruumi 4:21).

“kale okwenumiriza kuli luuyi wa? Kwaziyibwa. Kwaziyizibwa n’amateeka gafaanana gatya? Gabikolwa? Nedda; naye namateeka ga kukkiriza .” Abaruumi 3:27

GANO MAWULIRE MALUNGI!

Tetulina kyetukola katonda okutwagala ffe okusinga bwe yatwagala.

Nga tugezaako okwelokola oba okubeera abalungi ekimala kituleetera okutabulwa, , okugwaamu amaanyi ne birara.

Okukkiriza kwa baibuli kwe:

kukkiriza (ngo okozesa obwongo) nti katonda yafuuka omuntu mu yesu, nti yatufiirira olwe bibi, yazikibwa n’azuukira mu ntaana.”kubanga nnasooka okubawa mmwe era kye nnaweebwa, nga kristo yafa olw’ebibi byaffe ng’ebyawadiikibwa we by’ogera, era nga yaziikiba, era nga yazuukizibwa ku lunaku olw’okusatu ng’ebyawadiikibwa bwe byogera;” I Abakkolinso 15:3-4

Okukkiriza kwa baibuli kwetaagisa obukugu mu kukkiriza n’okwanukula.



Mu 1860s waaliwo omusajja omwatiikirivu nga atambulira kumugwa ayitibwa Blondin. Ye ttoolora nnyo egwanga nga akola kino mu bantu. Yagenda ku bbibiro Niagara akoleyo olulaga lwa naku ssatu. Blondin n’aleega omugwa nga agusaza ebbibiro, n’agutambulirako ennaku bbiri, nasikiriza obwessedde n’obwessedde. Olunaku lwo ku ssatu, nagamba nti agenda okutambulira ku kagwa, nga asibye kantuntunu ng’asindika akawilibbaro. Nga tanakola kazanyo, yagenda mukibiina kyabantu n’abuuza, “Mukiriza nga nsobola okukikola?” mu bantu nga teri abuusabuusa. Nalinya ku kagwa n’abuuza, “kale, ani atuula mu wilibaro mmuvugire ku kagwa?”

Olowooza baali bameka abaagenda?

“Era n’okukkiriza bwe kutyo, bwe kutabaako bikolwa, kuba kufudde.” yakobo 2:17

Essuubi lileeta okukkiriza n’okagala.

“olw’essuubi eryabaterekerwa mu ggulu, lye mwawulirwa edda mu kigambo eky’amazima ag’enjiri.” Abakkolosaayi 1:5

Okukkiriza kuleeta okwagala katonda.

“Era bwemba n’okukkiriza kwonna n’okuggyowo ne nziggyawo ensozi;naye ne ssiba na kwagala, nga ssiri kintu.” I Abakkolinso 13:2b

Twetaaga okunyikira mu kwagala.

“...kristo atuulenga mu mitima gy’ammwe olwokokkiriza, mubeerenga n’emmizi munywezebwengamu kwagala.” Abaefeeso 3:16-17

Okukkiriza n’okwagala bileeta okwagala okugonda.

OKWAGALA OKUTUUFU KULEETA OKWENENYA.

Kale katonda ebiro ebyo eby'obutamanya teyabitunuuriranga; naye kaakano alagira abantu bonna abali wonna okweneyna." Ebikolwa 17:30

Mu bikolwa 2:14 tusoma kububaka bwa petero obwasooka eri ekibiina kyabatakiriza yesu nga amaze okufa, okuziikibwa n'okuzuukira.

Okumaririza kwa petero

"kale mazima bamanye ennyumba yonna eya isiraeri nti katonda yamufuula mukama era kristo, yesu oyo gwe mwakomerera." bikolwa 2:36

Ekyaddirira abantu kye badamu

"awo bwe bawulira ebyo emitima ggyabwe ne gibaluma, ne bagamba peter n'abatume abalala nti abasajja aboluganda, tunaakola tutya?" Ebikolwa 2:37

Okubuuza ebibuuzo kiraga nti bakkiriza obubaka. Okukiriza kwabwe okuggya kwalina okubeerako ekikolwa.

Ekyokudamu kya petero


"Petero n'abagamba nti mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe okuyingira mu linya lya yesu kristo okuggibwako ebibi byammwe munaawebwa ekirabo gwe mwoyo omutukuvu." Ebikolwa 2:38

okwenenya kitegeeza kukyuka tunula ggyova."

Okwenenya kwe kinaddiini kwe kugezaako okukuma olukalala oluwanvu ku kyolina okukola nekyotalina osobole okukirizibwa katonda olwo okokolebwe.

Okwenenya kwe'kristaayo kwe kudda eri yesu nokumwesiga—kyoka kiri kuda gy'ali

olw'okukomyaawo enkolagana.



Obulamu mungeri yange

Ngeri ya katonda

Mu nkolagana, yesu yagamba tetuinza kuweereza baami babiri.

Bwe twenenya, tuba tugamba "ajja kubeera yesu."

Mu maaso ga katonda, tuba tumuweereza ob okuweereza sitaani. Sitaani ayagala tumuweereze azikirize enkolagana yaffe ne katonda.

"ababulilira n'obuwobeebu abawakanyi, mpozzi oba nga katonda alibawa okwenenya olwokutegeerera ddala amazima, era balitamiirukuka okuva mu mutego gwa sitaani, oyo ng'amaze okubakwasa okukolanga okwagala kw'oli." II Timoseewo 2:25-26

"tolaba okusaasira bwe kuli okwe kitalo, okulumulwa n'okugumiikiriza kwa katonda ggyoli? Nga to manyi nti ng'obulungi bwa katonda bukuleetera okwenenya?" Abaruumi 2:4

"kale mwenenye, mukyuke, ebibi byammwe bisangulibwe, ebiro eby'okuwumuzibwa mu maaso ga mukama bituuke" Ebikolwa 3:19

Okwagala kwa katonda ggetuli kutuleetera okukkiriza mu ye, Okumwagala, okwenenya, ate...

Okwatula kwange kwe kwasanguza ebigamba n'okukkiriza enkolagana yange ne yesu.

"kubanga by'oyatula yesu nga ye mukama n'akmwa ko n'okkiriza mu mutima gwo nti katonda yamuuzukiza mu bafu, olirokoka, kubanga omuntu akkiriza na mutima okuweebwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa okulokoka." Abaruumi 10:9-10

Okwatula kwe kw'ogera okwagala kwange kulwa kristo—kyekilolwa kyo kukkiriza kwange.

Tolaba omuntu alowooza munaku ezidako okwanjjula gwayogereza eri abalala Nga agamba, "bannange kambajjulire mukwano gwange..."

Okubatizibwa kiragiyo kya katonda eri okwanirizibwa kwe

“yesu n’ajja n’ayogera nabo, n’agamba nti mpeereddwa obuyinza mu ggulu ne ku nsi. Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya kitaffe n’omwana n’omwoyo omutukuvu, nga mubaiiza okukwata byonna bye nnabaragira mmwe...” Matayo 28:18-20

Petero yayongerayo ekiragiyo kya tesu:

“Petero n’agamba nti mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mwe mokuyingira mulinya lya yesu kristo okuggibwako ebibi byammwe munaawebwa ekirabo gwe mwoyo omutukuvu.” Ebikolwa 2:38

Mu lulimi oluGereeki , olwavvunulwaamu endagaano empya, ekigambo, kubatiza kitegeeza “*kunnyika, kubbinkiza, oba kututubika.*”

Katonda alagira okubatiza mu yesu

Kiri ndagaano ya kugonda.

Eky’okulabirako mu baibuli abayigirizwa babatizanga olunaku lwonna, mu mazzi, n’omuyirizwa wa yesu yenna.

Twabatizibwa mu yesu, so si nzikiriza yonna.

Okubabiza kwekristaayo bwe bweyamo bwaffe oba kyetukola nga tugondera katonda.

“...era kaakano ge gaabalokola mmwe mu kifaananyi ekyamazima, kwe kubaizibwa, si kuggyawo mpitambi za mubiri wabula okuddamu okw’omwoyo omulungi eri katonda, olw’okuzuukira kwa yesu kristo...” I Petero 3:21

Obweyamo bwange okwewaayo

Ekigambo bweyamo mu luGereeki kyekimu ekyakozesebwa nga abasajja babiri absuubuze bwe baalagaananga mu kye bagenda okukola. Omutunzi yaleetanga ekilowoozo omuguzi nakitwalanga ki kkulu. Bwe ya kikirizanga, nga ayimilira nagamba nti, “neyama okukola nga byonna bwe biri mu ndagaano eno.” Kino kyakolebwanga nga waliwo



omujjulizi, obweyamo obwo bwanywezanga endagaano eyo.mukubatizibwa, pawulo agamba tuyita mukufa, okuzikibwa, n’okuzukila kwa yesu.



Oba temumanyi nga ffe fenna, ababatizibwa okuyingira mu Kristo Yesu nga twabatizibwa okuyingira mukufa kwe? Kyetwava tuzuukizibwa mukufa: nga mu Kristo bwezazuukizibwa mu bafu olwekitibwa kya kitaawe, bwetutyo naffe tutambulirenga mu bulamu obuggya.

Abaruumi 6:3-4.

Mukubatizibwa, Paul agamba tulega kukufa, kuzikibwa no kuzuukira kwa Yesu.

ENDAANO YO OBUFUMBO ETUYAMBA OKUNYONYOLA ENDAGANO YAFFE NE YESU

Obufumba nkolagana eyendagaano. Malaki 2:14

Endagaano mubufumbo

Endagano enno etandika n'okiliza okwe njawulo no obuvumu obugamba' nzudde oyo gwe mbadde nnoonya'.

Obuvumu bunno butuletela...

Okwagala munno n'omutima gwa gwonna. kugamba, "njagala okumala ebiseela byange byonna naawe weka"

Okwagaala n'okwesiga kuleta...

Omulala okwogereza n'oli nakiliza. Okwagaala okwanamadala kwewayo eri obwetavu bw'omulala. Era kusubiza okubela omwesigwa eri byo nga kuteka ebyetago byabwe okusooka.

"gwe assoka, gwe weka. Okunoonya kuwedde."

Waliwo ebisubizo ebilala ebyo kwatula?

Okubulira abalala ku ky'osazewo. okwewayo.

Embagga y'obufumbo

- enkomelelo ne entwandikwa.
- okuva mu bwasekinoomu mukugabana obukamu. Nkolagana nsuukulumu.
- okuwayo ebilayilo n'kuyimusa okuyayana kw'omulala.

Kakano gabanaemigaso no'obuvunanizibwa bwendagaano y'obufumbo.

Tetuyinza kutula netubula kyetukola!

Ebuziba n'omuwendo gwenkolagaana gwe asalawao n'omwagala wo nabela nga akola okukuza enkolagaano.

Oliwa mundagaano empya?

katulabe...

Endagaano ne kristo

Enkolagana eno etandika nakukiliza,obuvumu, no **okukiliza okugamba nti:** "nzude gwe netaaga nkiliza yesu kristo mwana wa katonda , yajja kunfililira olwe bibi byange.

Okukiliza kuno kwanukurwa ne...

Okwagala katonda n'mutima gwange gwona, emmeme, endowoza n'amaanyi

Mukwagala newaayo eri yesu nensubiza okula omwesigwa no kumugondera nsukulumya ebyetago bye kubyange nga bwa nkoledde. Nzikiliza okwanilizi okwaniliza kwe/okutesa. Nteka yesu kuntebe y'obulamu bwange.

Gw asoka, gwe weka. Okunoonya kuwedde = okwenenya.

Waliwo okwewayo okulala kwolina okwatula?

Okubulira abalala kyensazewo: **okwatula.**

okubatizibwa ye ndagano ne kristo nga obugole bwebuli endagaano y'obufumbo.

- enkomelelo ne entwandikwa.
- okwatula obulamu bw'omu olw'kugabana obulamu
- okuwa ekisubizo eky'okwewayo.

Kati nnyumira ebisubizo by'ekolagana empya era nembera wo okutukiliza emitendela egili mundagaano eyenkolagaana eno ne yesu.

Situla nga silina kyenkola!

Ebuziba n'omuwendo gwe enkola gana yange nekristo kuja kulaga engeri gye nkolagana naye.

Katonda aja kubela mwesigwa

KYONA KIRI KUNKOLAGAGANA

EKITUNDU 4

Ebintu ebiri mukolagana eyakomezebwaawo ne yesu



EBINTU EBIRI MUNKOLAGANA EYAKOMEZEBWAAWO NE YESU

Omuntu omu nha anyonyola omukristaayo kyali:
“omukristaayo y’emuntu afuuka ekyo mumaaso gakatonda era nga bwali” (ensibuko temanyiddwa).

Ekikifaanana kiri mubaibuli:

“...kubanga olwokuwaayo ssaddaaka emuyatuukiriza okutuusa emirembe gy’onaabatukuzibwa.” abaebbulaniya 10:14

Emitenderwa gamirundi ebiri gyobulamu bwelikulisitaayo gyebukolama akaseera kekamu.

Olwokwagala gyetuli katonda atutuukiriza mumaaso ge, emirembe gyonna, olwekifo

kyaffe:

Ekifo kyaffe:

EKIFO: “...tumanyi nga omwana wakatonda yajja n’atuwa amagezi n’okutegeeratutegeera ow’amazima, mu mwana yesu kristo. Oyo ye katonda ow’amazima, n’obulamu obutagwaawo .”
I yokaana 5:20

EKIRABO: “kubanga mwalokoka lwakisalwakukiriza, so tekwa gye muli; kyekirabo kyakatonda; tekwa mu bikolwa, omuntu yenna alema okwenyumirizat.”
abaefeso 2:8-9

BUTAKYUKAKYUKA: “Ebyo bibandikiidde mmwe, mumaye nga mulina obulamu obutagwaawo, mmwe abakiriza elinya ly’omwana wa katonda. .”
I yokaana 5:13

BYONA BYENKANA: “Tewali muyudaaya, newakubadde omuyonaani, tewali muddu, newakubadde oweddembe, teali musajja na mukazi; kubanga mwe mwenna muli omu mu kristo yesu Abaggalatiya 3:28

MUNTU MUPYA: “omuntu yenna bw’aba mu kristo kyava beera ekitonde ekigya ebyedda nga biweddewo laba, nga bifuuse bigya!”
bakkolinso 5:17

EKIFO KYAFFE EKY’OMWOYO Mu yesu kwekwagalibwa kwaffe. 1 yokaana 4:19 agamba, “ffe twagala, kubanga ye yasooka okutaagala ffe.” Yajja gyetuli, n’afa era n’azuukira mubafu era tuli batabanyi ne bawalaabe. Twagalibwa nnyo. Okutegeera kino kiyusa emitima gyaffe, endowooz n’obulamu. Kyona kiri kunkolagana.

Bwetubeera mu yesu, katonda atugumiikiza okutukyusa:

Embeera yaffe eri nti:

Olugendo: “...nga ntegeeredde ddala kino ng’oyo eyatandika omulmu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa kulunaku.lwa yesu kristo”
Abafiripi 1:6

Katonda akola atukyuse.

Eddimu ely’eyongera: “naye enfumo ezitali za ddiini ez’obusirusiru z’oba olekanga weemanyizenga okutya katonda. Kubanga okwemanyiiza kw’omubiri kugasa akaseera katonu; naye okutya katonda kugasa byonna, kubanga kulina okusuubiza kw’obulamu obwa kaakano n’obugenda okujja.”
1 Timoseewo 4:7-8

Twetaaga okwetaba munkyukakyuka eno.


kukyuka: “naye ffe fenna, bwe tumasaamasa ng’endabirwamu ekitiibwa kya mukama waffe amaaso gaffe nga gaggiddwaako eky’kubikkako, tufaanannyizibwa engeri eri okuva mu kitiibwa okutuuka mukitiibwa, nga ku bwa mukama waffe omwoyo .”
II abakkolinso 3:18

Tebyenkana: ...kubanga bwe kibagwanira okubeeranga abayigiriza olw’ebiro ebyayita, mweetaaga nate omuntu okubayigiriza ebisookerwako eby’olubereberye eby’ebigambo bya katonda; era mufuuse abeetaaga amata, so si mmere nkalubo. Kubanga buli anwa amata nga tannamanya kigambo kya butuukirivu; kubanga mwana muto.naye emmere enkalubo ya bakulu, abalina amagezi agayigirizibwa olwokugakoza okwawulanga obulungi n’obubi. Abaebbulaniya 5:12-14

NDOWOOZA MPYA: “Mu bigambo by’empisa ez’olubereberye, mmwe okwambula omuntu ow’edda avunda olw’okwegomba kw’obulimba, era okufuuka abaggya mu mwoyo ogw’ebirowoozo byammwe, okwambala omuggya eyatondebwa mu kifanananyi kyakatonda mu butuukiriivu ne mu butukuvu obwamaziima. abaefeso 4:22-24

EMBEERA YAFFE EY’OMWOYO Kiraga engeri gye twanukula mukwagalibwa. Omwoyo wa katonda akola mubulamu bwaffe atuyambe tubale ebibara byomwoyo. Tulaga okwagala kwaffe nokusiima eri katonda mukwesiga n’okumugodera. Kyona kiri kunkolagana.

EBIFAANANYI BIRAGA ABANTU BANGI BWE BATABULWAMU:



Bangi bagamba bwebati, “nze? Njagala okugenda muggulu, naye bwendaba wendi ne wendina okutuuka, kilabika kybutaliimu. Teri kakisa.”

Amzima gali nti, bwetukiriza kristo mbagirawo tuba 100% tutuukiridde mumaaso gakatonda (ekifo kyafe)—tugenda muggulu. utuukirizibwa emirembe gyonna olwekisa kya katonda ne kye tuli mu kristo. Afuba okutuyamba tubeerenga kristo nga bwakola kumbeera yaffe.

“...kubanga olw’okuwaayo ssaddaaka emu yatuukiriza okutuusa emirembe gyonna abatukuzibwa.” Abaebbulaniyas 10:14

“kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekwaava gye muli; kye kirabo kya katonda; tekwaava mubikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga.” Ephesians 2:8-9

Ekifo kyaffe kituwa emirembe, essanyu, essubi n’obugumu okutuusa kunkomerero y’obulamu bwaffe, mukiseera kyokukyusibwaamu kwaffe.

“nga tegeeredde ddala kino ng’oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa kulunaku lwa yesu kristo. Abafiripi 1;6

Katonda alimaririiza ddi okutukyusa?

Okuwumbawumba: Twalokolebwa olwekifo kyaffe, si mbeera yaffe! Ekyo kye kisa kya katonda.

Okuwumbawumba kuteranyo okuleeta ekibuuzo: Ekyo kitegeeza nti si kikulu okubeera obulungi, nti embeera yaffe si nkulu? Ekyokuddam kiri munagaanoempya nti kikulu! Tuleme kutyoboola kulagajjalira ekirabo kya katonda.

“ng’abeddembe, so si ng’abalina eddembe lyammwe olw’okukisa obubi, naye ng’abaddu bakatonda.” | Petero 2:16

Pawulo omutume ya wandiika:

“si kubanga nti mmaze okuweebwaoba nti mmaze okutuukirizibwa. naye ngoberera era ndyoke nkikwate

ekyo kye yankwatirwa kristo yesu.” Abafiripi 3:12

Yesu anjagala nga bwendi, era tajja kundeka bwatyo.

Ebisikiza byange ebikadde byali bya ndabike bulungi olwo ndokolebwe.

Bwenkola byenkola ndabika bulungi, **okweyagaliza n’okutya byebinsikiriza. Nafuuka ey’efaako, mbiseeko, negaana, n’okugerageranya.** Ssija kumanya oba nkoze ekimala. Bwetyo eddiini y’omuntu bwe mufugira mukutya.

Okusikirizibwa okwagala kwa katonda n’ekisa njayaayna okubeera nga yesu okugulumiza katonda, mmulage okwagala kwange, okusiima, n’okwebaza olwobulokozi bwange ne byankoledde. Tetusobola kukola ekimala, naye ekyo kyeyakola kyekyokukola mbeere ne nkolagana naye etaligwaawo.

Okwongera amaanyi munkolagana yange ne yesu kwokusikirizibw okupya s is my new motivation. Siba namaanyi bwe siba nankolagana ne yesu (yokaana 15:5).

Olugendo lwo'bulamu omutali kristo

- Obulamu OMUTALI kristo
- Okwanganga okufa
- okukolimirwa
- okufa mumwoyo
- okubulira mukizikiza
- Toyambibwa kwe lokola

Bwetukiliza mu
sadaaka ya kristo,
tweenenya, twatula,
era
tubatizibwe netuva
mukufa okudda
mubulamu.
Yokaana 5:24



Olugendo lwo'bulamu omuli krito

Akatundu akeelu kalaga obulamu baffe bwona mukristo.
kilaga ekifo kyaffe ne'imbeera.

"nga bwe yatulondera mu ye ng'ensi
tennabakutondebwa, ffe okubeera
abatukuvu abatalina kabi mumaaso ge
Mu kwagala" *abaeffeeso 1:4*

Olwe kifo kyaffe mukristo, kati tuli batukirivu 100 ku
100 mu maaso ga katonda obulamu bwaffe bwona.
bwetufa, katonda amaze okutekateka kulwe eggulu.
Ekyo kiri kitya?



Olwekifo kyafe. Tunula kubalooni. Osobola okulaba
munda mwa balooni nga tolabye kungulu?

Mungeri yemu, Katonda bwatutunolora nga tumaze
okiriza kristo. Atulaba okuyita mukulisito.

Tuli mukristo era nga tutukuzibwa omusayigwe,
tetuliko kyakunyenzebwa.



Naye ffe ffena ... tufaananyizibwa engeri eri okuwa mukitibwa okutuuka
mukitibwa nga kubwa mukama waffe omwoyo **2 Abakkolinso- 3:18**

Okuyita "mu kukyusibwa" tufuuka ekyo kyetuli mumaaso
gakatonda. Mu lugendo lwaffe tujakusanga byetutasubira,
abitasananyusa ne embeera eyobulumu. Waliwo ensozi zokulinya,
okusomoka ebwonyu, n'okutunulira omuyaga.
Ebeera yaffe elaga ekikula kyo'mwoyo.

Tuli bamaanyi opa banafu. Olugendo lwabuli muntu lwanjawolo
naye awawakanirwa wewamu. Okukyusibwa kugenda mumaaso.



"lubilira okutukitizibwa." **2 abakkolinso13:11**
okukolanga no okudamu nga kristo.

ekibbi = "okusubwa akabonero"

mu kristo, katonda tavunaana bantu kibi kyabwe.

2 abakkolinso 5:19

Okuja kwa kristo
okwokubori...
Tuli zukizibwa
(Okusabikalibwa 2:1)


Ne
tujja kumaliriza
tuli bakulu
(Abasesolo nika 8:1-4)

Omukritaayo akola ki bw'ayonoona?

Ate nga kintu kyakwewala, tujja kwonoona yade nga tuli bakristaayo! (Ibala 1 yokaana 1:8). tuyiga, tukula, tulafubana oluusi ne tulemwa. Kino kitundu kulugendo olw'okuyusibwa.

Bangi tebategedde ndowooza ya katonda ey'okusonyiwa. Balina endowooza eye ki naddiini”:

Okubeera waggulu wakasitale—**yalokoka**



Byonna bitandika bulungi. Tukiriza kristo Ne twambuka, ate ne twononoona, netulowooza oba ne tuwulira nga tusse wansi nyo. Tusaba “mukama”, nsonyiwa!” Tusubira nga tuli waggulu nate, kale paka kukusobya okudako. Ne waja ekiseera kyokubusabuusa: “ndi waggulu oba wansi?” Nga tetuwulira mirembe n'obukuumi okutya ne kujja. **katonda takola bwatyo!**

Tukoleki nga twonoonye? kilambulukufu...

“Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa'mazima era mutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali byabutuukirivu.” I yokaana 1:9

Okwatula sikugamba, “bambi,” naye, kwekugamba nti, “**nakikola.**” Okwatula kitegeeza nga tukiriza eri katonda nti kyetwakola kyali kibi ne tukiriza obuvunaanyizibwa bw'ekyo.

Lwaki twetaaga okwatula? Kwekukuuma enjogerezeganya nga nzigule tukule okugenda mumaaso nenkolagana yaffe ne yesu.

Adamu ne kaawa b'ekweka ku katonda bwe b'ayonoona. Bwe tugezaako okumukisa ebibi byaffe, Tumuggalira wa bweeru. Emitima ggyaffe giba migale ggyaali. Tunafuwa , netutasobola kwanganga ebitulumbye.

Katonda ayagala tumubeere kumpi, tumwesige ate tumwagale. Atulindiridde twatule.



Mu kifaananyi tulaba omusajja akola ekintukye ekyabulijjo ekyewunyisa. Akatimba kamuleetera kamuleetra okubeera omuvumu. Taygal kugwa naye waliwo obukuumi singa emiggwa gikutuka. Katonda atuyita 'tuveeyo' tumugoberere mungeri ey'ewunyisa mublamu

buno obujja. Tetwagala kugwa oba kulemesa katonda. Wabaawo obukuumi singa tukikola. Ekisa kya katonda ke katimba kaffe okuba obulungi.

Watya nga tetwatudde?

“nze bonna be njagala mbanenya, era mbabuulira; kale nyikiira we'nenye.” okubikkilirwa 3:19

Ounyliri olwo kwe kwagala kwe kisuubizo okuva eri katonda.

“kubanga bo baatukangavulanga ennaku si nyingi olw'okwegasa bo;naye oyoatukangavula olw'okugasa, tulyoke tufune omugabo ku butukuvu. Okukangavulwa kwonna mu biro ebya kaakanotekufaananga kwa ssanyu wabula kwa nnaku; naye oluvannyuma kubala ebibala eby'emirembe eri abo abayiganyizibwa mu kwo; bye by'obutukurivu.” Abaebbulaniya 12:10-11

Okwatula kiri nti:

- okukkiriza obuvunanyizibwa ku byetukola
- okugamba katonda nti tukiriza twayonoona
- Tulangirira okukyuka kwaffe
- okwebaza katonda olwokutusonyiwa
- okuzza enkolagana eya yonooneka

Endagaano empya tetuygiriza kuddingana kusaba kusonyiyibwa; we tukirina. kyasubizibwa!

Tulina kugenda mumaaso kwatula, kwebaza katonda olw'okusonyiwa kwe, ne tutwaala eddaala okubeerawo nga amubo ga katonda.

Nsaba ekalaamu!



“naye bwe tutumbulira mumusana, nga ye bw'ali mu musana, tussah kimu fekka na fekka, n'omusaayi gwa yesu omwana we gutunaazaako ikibi kyonna.” 1 yokaana 1:7

Kino kikola amkulu ggyoli? Olinayo ekibuuzo?

Omanyiyo omuntu yenna eyeetaaga enkolagana eno empya ne katonda?